

# MULONGOOSE OKUBBO LYA MUKAMA

## Matayo 3:3

### EBIRIMUNDA

1. Enyanjula: Obukulu bw"okwetekateka.
2. Ngeri ki Mukama gyeyateekatekamu abantu nga aja omulundi ogwasooka?

*Omubaka*

*Obubakabwe*

*Ebyava mububaka.*

*Engeri abantu gyebayanirizamu obubaka.*

*Obuwereza bwe bwalemererwa?*

3. Okwetekeratekera okuda kwa Mukama waffe okwokubiri.

*Kiki kyetwetekeratekera?*

*Lwaki kikulu okwetekateeka?*

*Akabi oba akatyabaga akali mukwekiriranya.*

*Okutekebwaterkebwa mu Kigambo n"omwoyo.*

4. Ebikomekereza

*Okulabula oba okwegayirira okusembayo.*

*Leka tweyongere mu kutukirizibwa.*

**Akatabo kano katekerwatekerwa abo abaali mu lukungana lwa bawereza ku somo lino.**

**Ekigendererwa kwe ku funza ensonga enkulu kusomo lino era ne"byawandikibwa okuva mu Baibuli nga bwebiyigiriza.**

**John L Birkin.**

**[www.endtimerestoration.com](http://www.endtimerestoration.com)**

## ENYANJULA: OBUKULU BWOKWETEKATEEKA

### Obukulu bw'okwetekateka okutwaliza awamu

- Sibataty Katonda bokka;mu kiro kino emmeeme yo banaagikugyako;(Luka 12:16-20)
- Era nabo abatya Katonda;Bwatyo bwayogera Mukama;Teekateka ennyumba yo. ( 2 Bassekabaka 20:1)

### Obwetavu bwokwetekeratekera okudda kwa Kristo okwo mulundi ogwokubiri mubiro bino.

- Mukama bwabako kyayagala okwogera nga kikulu nnyo,okufuna ebirowoozo byabantu ,asindika eddobozi eryo”bunabbi nga ekondere,era nga mu biro ebyo munsu eyedda.(Isaya 58:1).
- Mubiro bino,eddobozi lyogera mu lwatu,eddobozi ly”omwoyo eri amakanisa.(Okubikulirwa 3:22)
  - Kubanga nakagombe bwe kavuga eddobozi eritategerekeka,ani alyetekateeka okulwana?(1 Abakolinso 14:8)
- Eddobozi litukowola kwetekateekera ki?
  - Okusembera kwebiro byokujja kwomugole okuva muggulu;Laba,anaawasa omugole ajja.(Mattayo 25:6)
- Lwaki eddobozi lyamwanguka?
  - Yesu yasimba nnyo essira kukuda kwe okusinga ku bubonero obw”okuddakwe.(Mattayo25:13,24:36)
  - Yalabula kubutetekateeka eri abo abayitibwa kumbaga y”obugole.Abo bokka abasangibwa nga betegese bebayingira,olujji ne luggalwawo. (Matayo 25:10)
- Mubutufu; Obunabbi bulaga nti nga abayudaya bwebasangibwa nga tebeteseteese mu kujaa kwa Kristo okwassoka,bwekityo n’ekanisa yabamawanga bwerisangibwa nga teyeteeseese mukujja kwe okwo”mulundi ogw”okubiri.
- Engeri aba Yudaya gyebalimu mukujja okwasooka.
  - **Okujemera** Kristo, Ekigambo. (Yokana 1:11),Era bwekiriba nekunkomerero y”ekanisa mukudda kwa Yesu Kristo omulundi ogw”okubiri.(Okubikulirwa 3:20,2 Abassesolonika 2:3,2Timosewo 4:3-4,Luka 18:8)
  - **Obwenzi**; (Katugambe ,okwagala ensi,Yakobo 4:4,Mattayo 12:39 era bwetyo n”ekanisa ey”oluvanyuma bwegenda okusangibwa mukuddakwe okw”okubiri.(2 Timosewo 3:1-5,Okubikulirwa 3:15-16).
  - **Obuzibe bw”amaaso obw”omwoyo** .(Mattayo 15:14) era ne kanisa eyoluvanyuma bweriba nga Kristo tanada.(Okubikulirwa 3:17018)

N”olwekyo katukakase nga enyumba yaffe eterezebwa era tweteekereteekere omugole anatera okulabika.

### Okufundikira: Ebyokulabirako ebyabuliwo ebya ba wala ababiri abalindirira omugole wabwe omusajja.

Abawala abato babiri ab”America n”Obwesigwa balindirira abagole oba abasajja babwe.

- Mulekwa anyomebwa ku Famu yomugagga eye Nte.
- Omuwala omuto omusiizi webifananyi omuyizi mu Roma.



Nga embera bwe yalangirirwa eri abakiriza mu kujja kwe okwa sooka n"okwokubiri,zifanagana mungeri yokweteekateekamu.Obwetavu n"engeri zokweteekateekamu mukujja kwombiriri zona zezimu..

Okusobola okweteekerateekera okudda kwa Kristo,katulabe Mukama bweyateekateeka abantu mu kujakwe okwasooka

## **ENGERI MUKAMA GYEYATEEKATEEKAMU ABANTU MUKUJJA KWE OKWASOOKA?**

Mu kuteekateeka abantu mu kuja okwasooka ,omuntu yatumibwa okuva eri Katonda n"obubaka.Yali muntu wangeri ki?Obubaka bwe bwaliki?

### **Omubaka**

*Omuntu eyatumibwa Katonda erinya lye ye Yokana.*

- Nga Paulo .(Abagalatiya 1:1) Okuyitibwa n"obutumwabwe bwava buterevu eri Katonda.Yokana 1:6.Okwawulibwakwe kwava waggulu,so si eri Bantu.
- Era nga Paulo. (.Abagalatiya 1:11-12)Obubaka bwe bwava buterevu ewa Katonda.Lukka 3:1-2,Awatali bakulu abobuyinza newakubade banaddiini abakulu,Yokaana yali mubaka wa Katonda .(Makko 1:2) Si mubaka wa Kitongole kyona ekyeddiini.

*Yali muntu wangeri ki ?*

- Teyali wa mubiri oba afugibwa okwegomba kw"ebintu.
  - Teyayagalanga nnyo sente,okugerageranyizibwa kubakulembeze mu biro bye.(Lukka 16:14;20:47,Yokana 2:14-16),era nabo mubiro ebyedda.(Yeremiya 8:10,Ezekeri 22:35,Mikka 3:11.)
  - Yayambalanga mungeri nyangu.(Matayo 3:4,11:8)
  - Endya ye nayo yali nyangu.(Matayo 3:4,7:33)
- **Yeyawula era nga Mutukuvu.**
  - Teyalega ku mwenge n"Ekitamiza kyonna.(Lukka 1:15,7:33)Okuvira ddala mulubuto yali muwonge eri Katonda.(Kubala 6:1-4)
  - Yali yawuliddwa sikuva ku kitamiza kyokka naye era n"eri abantu n"endowooza zabwe eze nsi.(Lukka 1:80)
- **Yali muvumu,atasosola mu Bantu.**
  - Yali teyenonyeza bitibwa oba okukyusa enjiri okusobola okusanyusa abantu,yalina obubaka okuva eri Katonda,era bwe kityo bulina okwogerwa nga bwebuli.
  - Nabaserikale abakakanyavu bakwatibwako nebakaaba.(Lukka 3:14)
  - Era n"abakulembeze bamaddiini bananfusi yenganga nayogera gyebali n"obuvumu.(Mattayo 3:&-10).
  - Nobuvumu yawabulanga owobuyinza nakyemalira mungeri gyeyali aganyimu ekigambo.(Mattayo 14:3-4)Mubutufu Yokaana kabaka yali amutya.(Makko 6:17-20)

*Omuntu ow"omwoyo*

Okuvira ddala mukuzalibwa Yokkaana yali wanjawulo.Lwaki? Omwoyo omutukuvu.

- Okuzalibwa kwe kwalagulwa okuva muggulu.()Lukka 1:15-25)
- Yajuzibwa omwoyo ngali mu lubuto lwamaama we.(Lukka 1:15,41)
- Yakuzibwa abazadde abomwoyo.(Lukka 1:41,67)

- Ngomwana omukono gwa Mukama gwali naye,era nabawamaanyi mu mwoyo bweyali akula.(Lukka 1:66,80).

Mu myaka gyeyamala muddungu,yawulira eddoozi lya Mukama .Namugamba nti:

- Obuwereza bwe bwali bwakubaliza era no”kumanya ddi Kristo lyeyali agenda okujja. .(Yokaana 1:32-33).
- Yeyali eddoozi erya lagulwako.( Isaya 40:3,Yokaana 1:22-23)
- Ye yali omubaka eyalagulwako mu ;Malaki 3:1 eyali atumidwa okusooka Mukama .(Yokaana 3:28.)

Bwe yaweza emyaka nga 30 (Asatu) natandiika obuwereza mu lujude.

- Yafira mu maanyi g”omwoyo .Lukka 1:17)
- Teyali mubaka bubaka naye yali Nabbi.(Lukka 1:76,3:2)
- Era teyali Nabbi bunnabbi naye yali asingawo kukuba Nabbi.,(Lukka 7:26)
- MU butufu,tewali Nabbi yali wamaanyi okusinga Yokaana.(Luka 7:28)

### ***Omusana ogwaka,ogumulisa era ogwokya***

- Yokaana yali ddoozzi erisembayo eri abayudaya.Tewali ddoozzi lya bunabbi erimanyiddwa okuva mu Malaki okumala emyaka bina.(400)
- Obutabawo nabbi kyamutawana.(1 Samwiri 3:1,Zabuli 74:9,Engero 29:18,Amosi 8:11-12)
- Eddoozi eryo bu nabbi rireta ekitangaala(.2 Petero 1:19)
- Mubiro eby”edda, Daudi yasinga omusana era etabaza eri Yisirayiri.(2 Samwiri 21:17).Lwaki?
  - Etabaaza eyakira mukizikiza okuyita mu mafuta gayo.
  - Daudi yali nabbi .(Ebikolwa byabatume 2:30) Yayoleka omusana okuyita mu mafuta ag”omwoyo.
- Mungeri yemu kunkomerero y”omulembe gw”ekiyudaya,Yokaana yalaga omusana mu kizikiza.(Lukka 1:79)
  - Yali tochi eyaakka oba emulisa.(Yokaana 5:35)
- Wadenga waliwo emikolo gy”eddini ,naye byali biro byakizikiza mu mwoyo.Wadenga Masiya yali asubirwa.Tewali ddoozzi lya bunabbi Kakafu.(2 Petero 1:19),Bibiina ebyenjawulo ebyaliwo n”enzivunula ezawukana .Eddoozi eritegerekeka eryobuyinza lyali lyetagibwa.
- Yokaana yali musana ogwo. Gwe yali:
  - Yali Ttabaaza eyaka.(Luka 1:76,Yokaana 5:35).
  - Eddoozi lyayogerera waggulu nga kalativu.(Isaaya 40:3).
  - Omuntu eyalina obubaka .Makko 1:2),Eddoozi erisembayo eri aba Yudaya.

Obubaka bwali bugamba ki?

### ***Obubaka bwe***

#### **Okweteekateeka**

Ekinyusi ky”Obuwereza bwa Yokana kyali kuteekateeka .

- Mulongose okubbo lya Mukama . (Makko 1:2-3,Lukka 1:76)
  - Mubiro ebyedda omubaka yatumbwanga okukulembera omukulu n”okuja emisanvu mukubbo.
- Okweteekateeka abantu. (Luka 1:17), Okwaniriza Mukama wabwe oyo ajja.

Lwakki okweteekateeka kikulu nnyo?

**Omwami aja okukima omugolewe.**

- Yokaana yali mukwano gw”omugole omusajja,eyatumibwa okuteekateeka embaga ey”obugole.(Yokaana 3:29)
  - Okulabula omugole nti ebiseera bisembedde.
  - Okukasa nti yetegeka bulungi,anaziddwa muyonjo,ngalina ebyambalo okutali bala newakubadde olufunyo.(Kubikulirwa 3:4,Yuda 23.)
- Obuwereza bwe bwali bwetagisa,Abayite bangi naye nga tebetegese.(Mattayo 22:1-14)

**Nanyiini nimiiro akima amakungula ge.**

- Okuva ku mitiigye.
  - Ebibala biri kunganyizibwa ,naye egitabala bagyokya.(Mattayo 3:10).
- Okuva ku birime bye.
  - Engano aligikunganyiza mu gwanika,nayawula ebisusunku okubyokya n”omuliro ogutazikira.(Matayo 3:12)

**Kubanga akaseera kali kasigadeyo katono.**

- Yokaana yalangirira era nga agamba ebiro byali bituuse.(Mattayo 3:2)

***Tweteekateeka tutya? a) Okuyita mu Kigambo***

Ekigambo kya Yokaana tekyali kya Bantu oba okuva eri omuntu.Kyava buterevu eri Mukama .Lukka 3:2).Ekigambo ekyo kyali kitya?

**Temwesiga ddiini**

***Abakulembeze bamaddini.*** Yabanenya ebitibwa byabwe tebyali bukakafu nti betegekedde Masiya.(Mattayo 3:7)

- Abantu nabo balabulwa obutesiga byafaayo bya maddini gab we.Ebibala byaliwa,ebiraga obukakafu bwebyo byebesibako.?(Mattayo 3:8-9)
- Yesu naye oluvanyuma yadamu okulabula kwekumu.
- Abayudaaya bali be”manyi nga abaana ba Ibulayimu.Singa bali balikoze ebikolwa bya Ibulayimu.(Yokana 8:39).Mufunne ekyanamaddala.
  - Bangi abasubirwa okuyingira obw abwakabaka tebayinza ,yadde nabo abalinga munkunganaze.(Mattayo 8:10-12,Lukka 13:22-30)

**Mwenenye**

Yokaana yakola atya okutukiriza obuweerezabwe obw”okuteekateeka?

- Nga akowoola abantu okwenenya .(Matayo 3:1-2)
- Okubatzakwe kwali kubatiza kwa kwenenya.(Makko 1:4,Ebikolwa byatume 13:24,19:4)
- Ebyambalo bye ebyebyoya n”ediba byali bilaga obubakabwe.Mattayo 3:4,11:21)

**Okwenenya kyeki?**

Kwekukyusa endowooza,okukyuka okuva mu kintu ekimu okudda mu kirala.

Baali balina okukyuka okuva mubitasa.(Lukka 3:1-3)

Nga balina okudda eri Mukama n”eri ekigambo kye.

Nga bwebakola ebyo bali batekedwateekeddwa ku lwo kujja kwe. (Lukka 1:16-17)

***Tweteekateeka tutya? Ku bw”omwoyo.***

- Obubaka bwa Yokaana tebwali mu kigambo bugambo naye mu maanyi era ne mu mwoyo omutukuvu.(Lukka 1:17).

- Era nga Yesu ,(Lukka 4:14-15) ne Paulo.( 1 Abakolinso 2:1,4,2Abakolinso 6:6-7,1Abasesolonika 1:5)
- Naye waliwo ekyenjawulo ku mafuta ge.Yali mu mwoyo wa Eriya.
  - Lwaki mu mwoyo n”amaanyi ga Eriya mu Kukka 1:17?,Yokaana yali Eriya ?
  - Yokaana yagamba nti teyali.(Yokaana 1:21)
  - Lwaki ate Yesu agamba nti Yali.(Mattayo 11:13-14,17:12-13)?
- Wadenga teyali Eriya mu mubiri,yali afukiddwako omwoyo wa Eriya.(Lukka 1:17)
  - Era nga Eriya.(2 Basekabaka 2:15)
- Omwoyo wa Eriya alina mugaso ki mukuteekateeka abantu mu kujja okwasooka? Yaliwo emyaka bikumi nabikumi nga Kristo tanajja,atenga teyabiragulako nakiri awo.
  - Kuba nga Yokaana,mu biro ngabantu balese ekigambo Eriya yabaza ku musingi.
- Mubiseera nga ebyoto bya Mukama bimenyedwa.(1Abasekabaka 18:10,14) era ng”abantu balese Mukama n”ekigambo.
  - Eriya yakusa emitima gyabwe okudda eri Mukama .(1Basekabaka 18:37)
  - Eriya yadabiriza era nazawo ebyoto bya Mukama .(1Basekabaka 18:30)
- Ensonga endala lwaki ,Lukka 1:17 anokolayo Eriya? Ekyokudamu tukisanga mu Malaki 4:4-6.Malayika kyasongako.
  - Ekigendererwa kyobuwereza bwa Eriya kyali kukyusa Mitima okuda eri Musa,Eri ekigambo ekitufu.
  - Yokaana yatukirizako ekitundu ku bu nabbi bunno nga akusa emitima gyabataata.(Abaali bakuenkadde) eri abaana.(Gamba nga eri omulembe omupya Yokaana gweyali ayanjula).Mu kujja okusooka.

(Ngabwetunalaba eyo mu maaso,okutukirizibwa okusembayo.Okukyusa abaana boluvanyuma eri bakitabwe ddala kijja kutukirira ku lunaku olukulu olwe”ntiisa nga Kristo tanakomawo.

### **Ebyava mu bubaka**

Yokaana yatukiriza obuwerezabwe,okuteekateeka oluguddo oba ekubbo era n”abantu kulwo kujja kwa Mukama?

Obuziba bwobwangu era n”amaanyi ag”omwoyo ayali mu kubulira kwe gali:

- Okulumirizibwa ok”wamaanyi: Kwayingiranga era nekuyita ku misanvu gyonna egiziyiza okutuuka ku mutima.(Lukka 3:10,12,14,Mattayo 11:12)
- Okutukuzibwa: Kwali mwoyo gw”ebigambobye ,so simazzi gakubatiza agatukuzanga abo abenenyanga.Okunazibwa okwokungulu kwali kabonero akeyo ekyomunda.(1Abakolinso 6:11,Abefeso 5:26,1Petero 1:2,22.)
- Yakoma kubangi: Wadenga engiri yali ngumu era nga siya kubibita.(Mattayo 3:5)
  - Bangi bajanga okubatizibwa era nehafuka abayigirizibwa be.(Lukka 3:7,Yokaana 4:1)
  - Era nga mu Buyudaaya ne”bintundu eby”etolodewo yalina abayigiriza era newalako.(Nga ekyokulabirako Ebikolwa byabatume 19:3-4)
  - Yayigiriza abayigirizwabe eneyisa ey”omwoyo.(Mattayo 9:14,Lukka 11:1,Yokaana 3:25)

Ekigambo kye kyali ky”amaanyi nnyo era n”obuyinza.N”olwekyo abantu.

- Bamulabanga nga Nabbi.(Mattayo 14:5,21:26)
- Mubutufu,bewunyanga oba nga ye yali Masiya eyali anateera okuja.Lukka 3:15,Yokaana 1:19-21)

### **Engeri gye bayanirizamu obubaka.**

Obubaka bwa Yokaana bwali bw'amaanyi era bwavisamu ebibala, Naye, wadenga abantu bamutwalanga Nabbi, Abakulu b'eddiini eyaliwo okusinzira kunkola Musa ne banabbi gyeyawebwa Katonda, bo bamwaniriza batya?

Yokaana bweyatanula okubatiza, baja na bibuzo. (Yokaana 1:19-25). Naye ebigendererwa byabwe tebyali birambulufu. Mu mazima wadenga kitawe ne Yokaana naye yali Kabona. (Lukka 1:5) Baali:

- Tebakiriza : Omuntu ayatumibwa Katonda okuteekateekera okuja kwa Masiya eyalagulwako. (Mattayo 21:23-27; Makko 11:30-31)
- Bagaana: omuntu eyajuzibwa omwoyo okuvira ddala mu lubuto lwa maama we, nga aliko amafuta n'omwoyo wa Eriya. Era eyali asinga ba Nabbi bonna. Mwekyo ne bajemera eddobozi ly'omwoyo mubiro byabwe. (Lukka 7:29-30)
- Bavoola: Ngabayita eddobozi erisembayo ely'omwoyo eri Abayudaaya abomubiro ebyo, Nabbi eyali asinga ne bamuyita eddobozi lyomubi/Sitani. (Lukka 7:33).

Engeri gyebanukulamu yali teyewunyisa. Yokaana teyabasamu kitibwa yade yafesi zabwe oba ne bifo byabwe eby'obuvunanyizibwa. Yalaba obunanfunsi bwabwe era nabwanganga n'obuvumu. (Mattayo 3:7-10)

- Yabayita baana bamisota.
- Yabagamba benenye babale ebibala ebibasanyiza okuba aba Yudaaya ddala.
- Nabalabula bwebatabala bibala byakwenenya baali bakwokebwa obusungu obwali bugenda okuja

Kyoka era tekyewunyisa engeri ye yenyini Yokaana gyeyabanukulamu mu byafayo bya Yisirayiri bwebatyo bwe bayanukulanga ba Nabbi.

- Ekyokulabirako Yeremiya nga kabona, bakabona banne bwebatyo bwebamuyisa. (Yeremiya 11:21-23). (Anansi kyali kibuga kyaba Kabona) era nabakulu b'eddiini. Ekyokulabirako nga. (Yeremiya 20:1-2)

Yesu yalabula nti teri nabbi w'amazima gwebalikkiriza nebamwaniriza oba okusembeza. (Mattayo 5:11-12, Lukka 6:26) era no'lwekyo subira engeri yemu mu kudda kwa Kristo omulundi ogwokubiri.

### **Obuwereza bwa Yokaana bwalemererwa oba?**

Tugambe nti obuwereza bwa Yokaana tebwakomenkerezewa bulungi?

Nga bwetulabye nga aganibwa n'abakulembeze beddini ne bitongole ebityibwa ebyenzikiriza entufu:

- Obuwereza bwe bulinga obwakugirwa okukukwatibwa era n'oluvanyuma nasalwako omutwe kabaka olwokwanganga okwogera ku mukyala gweyali alina mu buchamu. (Mattayo 14:1-12)
- Okwo gatako, bweyali mukomera nalumbibwa ejengo ly'okubusabusa, wadenga yali amaze okukirambika obulungi nti Yesu ye Kristo. (Yokaana 1:29-34), bweyali mukomera natuma abayigirizwabe eri Yesu okubuza oba nga ddala ye yali Masiya agenda okuja. (Lukka 7:18-19)

Nga emaliriza nzibu kubuweereza obwalina okusubirwamu ebingi. Tugambe nti yalemererwa?

Nedda!!!

Wadenga yaganibwa era nga nemaliriza ye teyazamu maanyi yatukiriza ekatala lye oba omulimu gwe ogwamuwebwa Katonda., Atya?

- Wadenga yasibwa olwokwogera kubwenzi bwa kabaka Yokaana yasigala awulirizaganya naye. (Makko 6:17-20)
- Nemukisera kyeniyini Yesu wafunira abayigirizwa be nga lumbiddwa okubusabusa, Yesu agamba teri Nabbi yenkana nga Yokkaana. (Lukka 7:24-28)

Nedda ,obuwerezabwe tebwagwabubi, wabula nga Paulo (2Timosewo 4:7-8), naye alindirira, Engule. Yamaliriza mubuwangunzi omulimu Mukama gweyamuwa okukola. (Ebikolwa byabatume 13:25)

Engeri ki Yokaana gweyamalirizamu omulimu Mukama gwe yamuwa?

- Nga atekateeka omugole ku mulembe gwa Abayudaaya okumwanjula eri bba eyali aja. (Yokana 3:26-29)
- Yali mukwano gwawasa omugole, ngavunanyizibwa
- Okumutegekera omugole we.
- Bweyagambibwa nti bonna beyuna Yesu, esanyu lye ne litukirira. Omulimu gwe gwali gukomekerezeddwa.
- Nga Yesu oluvanyuma (Yokaana 4:34, 17:4), yali nga amaliriza omulimu gwe gweyawebwa okukola.

Era ekyo kyekigendererwa ky'obubaka obwe' nkomerero eri ekanisa yabamawanga nga okudda kwa Kristo omulundi ogw'okubiri tekunaba, okuteekateeka omugole kulwa bba ajja.

## **OKWETEEKERATEEKERA OKUDDA KWA KRISTO OKWOMULUNDI OGWOKUBIRI.**

**Tweteekateekera ki?**

*Nanyini nimiro ngakima amakungulage.*

Mukuja okwasooka, Yokaana yagamba Abayudaaya nti omulimi ajja okukima, amakungula, n'ebibala. Era Yokaana nalabula nga agamba:

- Buli muti ogutabala bibala birungi gunaatemebwa, gunasulibwa mu muliro. (Matayo 3:10)
- Engano aligikunganyiza mu gwanika naye ebisusunku alibyokya. (Matayo 3:12)

Era ne Yesu oluvanyuma yalabula mungeri yemu. (Mattayo 7:19, Lukka 13:6-9). Mungeri yemu, mukkuddakwe omulundi ogw:okubiri Mukama ajakuba anoonya amakungula ge.

- Ekanisa yenimiro ye. (1Abakolinso 3:9)
- Agumikiriza amakungula gakule. (Yakobo 5:7)
- Ebibala byanoonya biri mubulamu bw'abantube. (Yakobo 1:18)
- Empera y'obutabala bibala yamutawana nnyo. (Yokaana 15:2,6)

**Awasa omugole ng'akima omugole we.**



Mukuja okwolubereberye oba okwasooka, Yokaana yatumibwa nga Mukwano gw"awasa omugole. (Yokana 3:29) nobubaka.

- Okukakasa nga omugole amaze okweteekateeka era nga ebyambalo bye tebiriko bbala n"ewankudde olufunjiro. (Okubikulirwa 3:4, Juda 23.)

Mengeri yemu omugole alina okweteekateekera okudda ogwokubiri. (Okubikulirwa 19:7, 21:2)

### **Lwaki waliwo obwetavu obwokweteekateeka?**

Ngokuja kwe kw"asooka nga tekunabawo Yokaana yalangirira nalaga nga ebiro bisembedde nnyo. (Mattayo 3:2) Lwaki obwangu bwaliwo? Kubanga bangi abayitibwa kumbaga bali,

- Bali tebetegese. Mattayo 22:11-14
- Bekwasa era nga bakawu. (Mattayo 22:1-10, Lukka 14:16-24)

Era nga Yokaana bweyatumibwa okuteekateeka Abayudaaya mukuja kw"Olubereberye, era n"ekansa yetaaga obubaka okwetegekera okudda kwe okwomulundi ogwo" kubiri.

Lwaki?

- Ntakera Yesu yalaganya okuddakwe mungeri etasubirwa.
- Yalabulanga entakera nga mukuddakwe bangi balisangibwa nga tebetegese.
- Yakinyonyola nga akozesa ekifaananyi ky"omubbi.
- Obunabbi mu Baibuli bulaga Kristo agenda kudda asange ekanisa nga teyetege era nga mukujakwe okwasooka.

### ***Okulabula okwenjawulo okwomudiringanwa nga Yesu alija nga tetutegedde.***

- Matayo 24:36-41, ebyolunaku olwo ne sawa teri amaanyi... naye era nga mubiro bya Nuwa bwebyali bwekityo n"okuja kw"omwana w"omuntu bwekuliba.... Tebaamanya... okutuusa amataba lwegabatwala.
- Matayo 24:40-44, Namwe mwotegeke, kubanga omwana w"omuntu ajira mubire mubiseera wemutamusubirira.
- Mattayo 24:45-51, Mukama w"omuddu oyo alijira mubiro watamusubirira, sawa n"ekiseera watamusubirira.

### ***Okulabula okwomudiringanwa okulaga nga tewali kweteekateeka kulwo kudakwe.***

Mulugero lwo muddu omwesigwa, n"omuddu omubi, era no kujakwe ngatasubirwa, Yesu yalabula okusanga abantu nga tebeteseese.

- Lukka 12:35-48, n"omuddu oyo eyamanya mukamawe kyeyayagala, natategeka. (MATTAYO 24:50)

Yesu yamanya nga obubonero bungi obulikulemba okudda kwe kw"okubiri mu Mattayo 24, era ne mu 25. Naye essira yaliteeka ku kulabula olwobuteekateeka era n"obukulu bwokusangibwa nga betegese okusinga obubonero. okumu kukulabula lwelugero lw"abawala ekumi abataano abagezi n"abataano abasirusiru. (Mattayo 25:1-12).

- Bonna bali mberera,tewali mukaba ,mwenzi oba malaya
- Bonna bali balindirira awasa omugole.
- Naye buli aja abamu nebesanga nga tebeteseteese.Tebalina mafuta mu Ttabaza zabwe.
- Abo bokka abasangibwa nga beteeseeteese bebayanirizibwa ku mbaga y’obugole.(Mattayo 25:10)

***Okuja kwe kugerageranyizibwa n’omubbi.***

Yesu bweyali alabula kubuteekateeka kulwokudda kwe,Yesu emirundi egimu ya kigerageranya nya ku mubbi.(Mattayo 24:42-44,1Abasesolonika 5:2,4, Okubikulirwa 3:3) Lwaki? Kubanga omubbi,;

- Agira we batamusubirira ,nga talangiriddwa.
- Emirundi egisinga omubbi aja mukiyo nga tebamwetegekedde nga bebase.

Mu Kubikulirwa 16:15,Yesu yalaga ekifananyi kyebivamu buli abantu lwebaba nga tebatunula,okutunula ennyo era n’okweteekateekera omubbi.

- Lwaki okutunula ennyo kulw’okuddakwe kwekusibwa ku kukuuma ebyambalo?
- Era lwaki kisoboka okufirwa ebyambalo singa webaka?

Abantu baliba babisulamu.

Kyekusa ku buwangwa bwa kabona asinga obukulu mu ba Yudaaya.

- Mukiyo ,nga talangiddwa ,emirundi egimu yetololanga yekaalu n’ettabaza,okulaba oba abakuumi batunula oba bakuma ,nga batukiriza obuweereza bwabwe okukuma enyumba ya Mukama.
- Bweyasanganga nga bebaase yakolezanga ebyambalo byabwe!
- Bazukukanga amangu ago nebeyambulamu ebyambalo,nebasigala bukunya munsonyi.

Makulu ki ag’omwoyo?

- Yesu ye Kabona waffe asinga obukulu.Akebera oba abaddu be batukiriza obuweereza bwabwe.
- Abebaase bali mu katyabaga ak’okufirwa ebyambalo byabwe.

Makulu ki ag’omwoyo agali mukuba obwerere.?

- Adamu mu lubereberye yali ayambaziddwa ekittibwa.(1Abakolinso 11:7)
- Nayonoona nakifirwa.(Abarumi 3:23) Naba ngakati ayambadde nsonyi.(Zabuli 132:18)
- Ebikoola by’emiti tebyayinza kubika kunsonyi ze.(Lubereberye 3:7)
- Engeri yoka ey’okubika ku nsonyi z’ekibi kuyiwa musaayi.(Abebulaniya 9:22)
- Mukama kyayava amwambaza amaliba kuba mugo mubulamu okuyiwa omusaayi.(Olubereberye 3:21)

N’olwekyo ebiva mu kuba obwerere bizibu nnyo.Era nga bwetunalaba mu maaso eyo,kino kyeniyini Yesu kyeyayogerako nga embeera ye Kanisa bwaliba nga anatera okudda omulundi ogw’okubiri.

***Okulabula okw’obunabbi kulw’obuteekateeka kw’ekanisa mu kuja kwe.***

Yesu teyalabula bulabuzi kubusoboozi obw’obuteekateeka kulw’okuja kwe,naye era obunabbi buwa obukakafu kukyo.Mu mazima;<>

- Ng'Abayudaaya mukuja okw'olubereberye bwebali nga tebeteseteese,Baibuli eraga nga ekanisa y'abamawanga eriba teyetegekede okuja kwe.
- Era si ekyo kyoka naye era n'embeera mwebali ne kanisa yabamawanga bweliba.

Okulabula okumu mu bunabbi kumbeera ekanisa mwerisangibwa mukuja kwe okw'okubiri.

- Lukka 18:8
- 2Abasesolonika 2:1-12
- 2Timosewo 3:1-4,5
- Okubikulirwa 3:14-22

Katulabe ku ksembayo,ebaluwa eri ekanisa ye Lawodikiya.Era tufa kulaba embeera ye kanisa mukudda kwe bweraga embeera y'abayudaaya mu kuja okwasooka.

***Ebaluwa eri ab'elawodikiya.Embeera y'ekanisa y'oluvanyuma.***

Ebaluwa za Yesu eri ekanisa omusanvu mu Kubikulirwa bbiri ne satu zali za bunnabbi.Zinnyonyola embeera y'ekanisa okuva lweyazalibwa okutuka kukudda kwe .Mu baluwa esembayo,eri e'kanisa ye Lawodikiya.(Okubikulirwa 3:14-22) .Alabula ku mbeera embi ey'omwoyo,kyokka nga n'okumanya temanyi.

**Obwavu**

- Ngeri ki Lawodikiya gyal omwavu (okubikulirwa 3:17-18)? Ekinyusi kiri mukubagamba okugula zaabu.Zaabu erongoseddwa mu muliro.(1Petero 1:7),okukiriza okw'amazima.N'olwekyo bali tabalina kukkiriza.
- Tekiri nti talina bulungi kukkiriza,naye okukkiriza kuli okwanamadala okwasooka. Yuda 3.
- Kino kyeniyini Yesu kyalabulako mu kudda kwe.(Lukka 18:8)
- Kale nga Yesu bweyagamba Abayudaaya mukuja okwasooka baali tebakiriza,emirembe egitakkiriza.(Makko 9:19),bwatyo agamba e'kanisa y'oluvanyuma ey'amawanga terina zaabu waddala,terina kukkiriza okwa namaddala kyoka tekimanyi.

**Obuzibe bw'amaaso**

- Obeera otya omuzibe kyokka nga tokimanyi.(Okubikulirwa 3:17-18)? Laba Olubereberye 19:11,2Abasekabaka 6:18-20)
- Era nga Yesu bwe yagamba Abayudaaya mukuja okwasooka nga baali bazibe.(Mattayo 15:14,23:16,17,19 24,29) bwatyo era agamba n'ekanisa y'enkomerero nzibe.
- Ekisinga obubi si nzibe buzibe naye Mu mateeka nzibe.Etya? Mukama yenyini yajizibye amaaso.
- Nga Abayudaa bwe bazibwa amaaso mukuja okwasooka Yokaana 9:39-41,12:37-40,Abarumi 11:7,10),Baibuli era erabula ekintu kyekimu ku Kanisa ey'oluvanyuma.Baliwebwayo eri okukkiriza obulimba era nga bawaba okuva ku mazima okuda kunfumu obufumu.(2Abasesolonika 2:10-11,2Timosewo 4:3-4)

**Okuba obwerere: mungeri ki?**

- Ngatolina kyambalo kya bulokozi oba omunagirow gw'obutukirivu.Zabuli 132:9,16,Isaaya 61:10.).Twalabyedda obukulu bw'okuba obwerere mu mwoyo.Ekibi n'obuswavu bw'okuba obukunya tebibikibwa kyambalo,bwetaaga okuyiwa omusaayi.(Olubereberye 3:21)

- Ebivamu byakabi,kyokka nga n'okumanya tomanyi!
- Nga toyambaziddwa Mwoyo.(Ekyabalamuzi 6:34,Lukka 24:49) Nga kyakabi nnyo!!nga bwetulaba Samusoni.Lawodikiya alowooza alina omwoyo,era tamanyi nti yamufirwa.(Ekyabalamuzi 6:20)
- Obutaba na kyambalo kyabugole.(OKubikulirwa 19:8)Era nga Yesu bweyalabula Abayudaaya mu kuja okwasooka abo abali kumbaga y'obugole naye nga tebamanyi nti tebambadde byambalo bisanidde.(Mattayo 22:11-12)

Agamba n'ekanisa nga tanadda ogw'okubiri eriba bwerere nga teyambadde kyambalo kyabugole.Era ng'omusajja mu lugero teriba nakyakwogera..

#### **Enjeemu:Yesu ngali bweru w'ekanisa ye.**

- Wetegereze ,KRISTO anoonya okudda eri ekanisa ye,sosi eri abatanakkiriza,nga bwagamba.(Okubikulirwa 3:20) Kristo ali bweru wa Kanisa ye.
- Kino kitegeeza ki?
- Obujeemu!! Kristo kye Kigambo.(Yokaana 1:1,14,Okubikulirwa 19:13).Kale senga ekanisa y'oluvanyuma esambira Kristo wabweru,ejeemye,Eganyi okuwulira ebiragiyo byomutwe,Yesu Ekigambo.
- Paulo alabula nti kino kijakubawo mubiro eby'oluvanyuma.
  - Nga tanadda,walibawo okwawukana,kino tekitegeeza okweyawula,okujeema,Ekanisa erijeema.(2Abassesolonika 2:3)
  - Erigala amatu gaayo eri amazima .(2Timosewo 4:3-4).eri ekigambo Yokana 17:17.Wabula taja kuva mu Kanisa ajasigalamu,ngagitambuza ngabwayagala.
- Era nga Abayuddaya bwebajeema n'ebagaana Kristo mu kuja okwasooka.Lukka 19:14,Yokana 1:11,n'ekanisa bwetyo bweriba mukudda kwe.

#### **Enyenzi: ejudde obwenzi aligisesema.**

- Lwaki agisesema okuva mukamwa ke? Kubanga okwagala kwayo kwa kibogwe.(Okubikulirwa 3:15-16)
- Kino kibi okusinga y' Efeeso,eyali erese okwagala kwayo okwasooka (Okubikulirwa 2:4),Mu butuufu,Lawodikiya nyenzi.
- Lwaki nyenzi?
  - Obwenzi bw'omwoyo kyeki? Okwagala ensi.(Yakobo 4:4)
  - Okwagala ensi kitegeeza butaba na mukwano gwa Katonda kitaffe.(1 Yokana 2:15)
  - Obunabbi bwa Baibuli bulaga nga ekanisa y'oluvanyuma erba yamubiri.Abakkiriza abatula baliba bagala nnyo sente,beyagala bokka ,era abagazi bamasanyu okusinga abagala Katonda,(2Timosewo 3:1-5) mungeri emu oba endala nti baliba benzi mu mwoyo.
- N'olwekyo,
  - Nga Yesu bweyagamba Abayudaaya mukuja okwasooka nti baali benzi .(Mattayo 12:39),16:4,era n'ekanisa mu kuja ogw'okubiri eragulwako okuba enyenzi.
  - Era nga Yesu bweyalabula Abayudaaya mu kuja okwasooka nti balisulibwa ebweru w'obwakabaka eri ekizikiza .(Mattayo 8:12),bwetyo bwe yalabula ekanisa ey'oluvanyuma mu kuddakwe nga aligisesema okuva mu Kamwa ke,.

**Omutawana oguli mu kwekiriranya.  
Tewesubiriza bwesubiriza nti wetegese; Ba mukkakafu .**

Emu ku ngeri y'okweteekerateekera okudda kwe kuzuula era n'okusula wala essubi ery'obulimba. Okulowolereza obulowolereza nti twetesetese kyakabi tulina kuba ba kakafu.

***Abayudaaya balabulwa ku kweyinula mukuja okwasooka.***

Mukuja okwasoka Yokana yalabula Abayudaaya ku kweyinula era n'okusa obwesige mu byafaayo byabwe ebyeddiini, emikisa n'obusika nga bazzukulu ba Ibulayimu. (Matayo 3:7-12)

- Abakulu b'eddiini balabulwa. Ebifo byabwe tebyali bikakafu nti bali betegese. (Mattayo 3:7)  
Abantu balabulwa obutasa bwesige bwabwe mubyafaayo byabwe eby'eddiini. Era babuzibwa ebibala ebikkakasa, era n'okuwagira obwesige bwabwe. (Matayo 3:8-9)?

Yesu naye yalabula abo abaali benyumiriza okuba abalonde obuteyinula kulwekyo.

- Baali benyumiriza okuba abaana ba Ibulayimu. Singa ddala baali, Yesu agamba balikoze ebikolwa bya Ibulayimu. Yokaana 8:39.
- Wadenga mu biro bya Eriya ne Elisa waliyo banamwandu Abayudaaya bangi era nabagenge, Yesu yajukiza Abayudaaya mu singoga e Nazaresi nti bali bamawanga abakkiriza banabbi era Mukama nabawa omukisa. (Lukka 4:23-27)

Mubukalativu ennyo, Yesu yalabula nti Abayudaaya bangi abasubira okuyingira obwabakabaka bwa Katonda obugenda okuja baly'ewunya nnyo esubi lyabwe bweriri ery'obwerere.

- Okusubira okwanirizibwa ku mbaga, baliswazibwa nnyo, nga batwalibwa era nga basulibwa mukizikiza ebweru. (Mattayo 22:12-13)
- Wadenga baali mukuberawo kwe, nga bakika munkunganaze era nga bamuyita Mukama, balyekanga nga tebaliddwa era nga bamuyita Mukama, balyekanga nga tebaliddwa era nga basuliddwa ebweru mu bwakabaka bwe. (Lukka 13:22-30)
- Waliwo n'abo abakola ebyamagero bingi mulinya lye abalikaaba nga bewunya Mukama bwalibatulira nga tabamanyangako. (Mattayo 7:22-23) .

***Ekanisa erabulwa obuteyinula mukudda kwa Mukama ogw'okubiri.***

Okulabula kuno tekuli eri Abayudaaya bokka, naye n'ekanisa nayo terina kweyinula nga tanabakudda naye erina okuba n'obukakafu. Jukira,

- Maliyamu ne Yusufu balowooza nti Yesu yali nabo, naye nga tali. (Lukka 2:44)

Yesu alabula kukudakwe nga agamba,

- Okweyisa nga omuddu omubi, eyayogera mu mutima gwe nti Mukama wange aludde okujja. Alimuwa omungabo wamu n'abatakiriza. (Lukka 12:46)
- Oba ng'abawala bali emberera abalowooza nti beteseteese kulwo kujja kw'awasa omugole. Bakizula abasangibwa nga beeteseteese bebayingira bokka oluji ne lugalwawo. Ate abasirusiru basanga oluji nga lugaddwawo. (Mattayo 25:7-10)

Okulabula okwo kulaga nti kisoboka okuganibwa okuyingira obwakabaka oba okusulibwa wabweru kumbaga y'obugole.

- Yesu yakyogerako mungeri ekatiriza nga mazima bwekiriba. Nga Yesu bwe yayogera eri abalonde, Abayudaaya mu kujja okwasooka, nti bangi bakusulibwa

wabweru mu kizikiza,wadenga betwalanga okuba abaana b'obwakabaka.(Mattayo 8:10-12)

- Bwatyo Yesu bweyayogera eri ekanisa nga tanaba kudda mulundi gwa kubiri nti aligisesema okuva mu Kamwa ke.(Okubikulirwa 3:16).

### ***Temwegulumiza mu malala,naye okutya***

Okuva ku lubereberye,Paulo alabula ekanisa kusonga yo kumala gesiga buli kimu nga Abayudaaya,bwe beyinula mu malala,nga berowooza okukirawo era nga bamanyi nti buli kimu kiri bulungi so nga tekyali.wadenga bali balonde Abayisirayiri Katonda yabaziba amaaso olw'obutakiriza n'obujemu.(Abaroma 11:17-22)

Paulo alaga okulabula okuva ku lugendo lw'abayisirayiri okuva emisiri okutuuka mu nsi ensubize.

- Era nga aba Isirayiri bwe baganibwa okuyingira ensi ensubize.Mubusika,n'omukisa oba ebyafaayo by'obwa Katonda.
- N'e kanisa terina kweyinula nti enamala gayingira ensi ey'omwoyo ensubize. Ekanisa elina okutya Katonda sikulwa nga nayo eremererwa okuyingira mubisubizo ebyobusika.Elina okumanya eneyisa ya Isirayiri sikulwa nga nayo eggwa mu katyabaga kekamu Isirayiri ke yagwamu.Yade nga okumala emyaka anna(40) Isirayiri buli lunaku nga eraba okuberawo kwa Katonda n'ebyamagero ebywunyisa;
- Katonda teyasanyukiranga bikolwa na n'eyisa yabwe eyensi.Nebafiira mu Ddungu.(1Abakolinso 10:1-12)
- Isirayiri yasunguwaza era ne sosenkereza Mukama,bwetyo n'etayinza kuyingira ensi ensubize.(Bebulaniya 3:7-41)

Ekyenaku,obubaka bwa Paulo Tebabwekuuma.

- Mu Barumi 11,Paulo ya labula ekanisa obutayimusibwa mu malala,okweyimusaga waggulu nga esubira nti byona birungi naye nga sibirungi.
- Naye oluvanyuma,mu 2Timosewo 3:1,ne 4,ya lagula nga mazima ekanisa mubisera ebyoluvanyuma eja kwe nyumiriza era eyimusibwe mu malala.

### **Engero biri enkulu.**

Mu mazima agali mungero zino,leka tubeere n'obulamu obweteefuteefu obulindirira okudda kwa mukama waffe okw'okubiri;Beera n'ekyokuyiga kwebyo ebyatuuka ku bakiriza mukuja kwa Mukama okwasooka.

Bino biragibwa mungero zino biri okugana kwaba'yudaaya obubaka obwebiro ebyenkomerero n'ebyatukako.

Olugero olusooka lunyonyola engeri gy'ebayanukulamu okuyitibwa eri embaga ennene.(Lukka 14:15-24)

- Yesu yayita bangi kumbaga eno ennene.(Embaga yobugole Lukka 14:7- 8,16,24)
- Olwegulo n'atuma omuddu we obudde obwembaga nga butuuse okugamba bali abayitidwa,nti mujje;kubanga bimaze okutegekebwa,
- Obubaka nebutuuka kubantu ab'enjawulo naye bonna n'emmeeme emu ne batanula okwegayirira okusonyiyibwa nga bekwasa ensonga zabwe ezitali zimu.
- Mukama wabwe,nasunguwala nnyo.Okukakasa nti entegeka zona zaali ziwedde,natuma omuddu we ku nguudo,mumakubo ne mubukubo bwonna mukibuga,wabweru we kibuga ne mubyalo wonna.

- Tewali nomu kubagenyi abayite eyalabikako era eyalya kumbaga.
- Yesu yalabula nti omunno bwe guggwamu ensa,mulizamu ki?Bagusuula bweru.(Luka 14:34-35)

Olugero luno lutegeezaki?

Abo abomukibuga abayitibwa okusooka baali Bayudaaya abefuulanga abasanira oba abatukiridde.Naye bagana omukisa gwabwe ogwabawebwa.

- Abo abaali ku makubo ne mubukubo,n'ewabweru we kibuga,zaali endiga ezabula ez'omunyumba ya Isirayiri,abatananira,aboononyi abatafibwako mu mikolo gyeddiini.
- Abo abaali Kunguudo,kumasanzira ge nguudo,ebweru wekibuga,baali banagwanga,baali bweru we kisubizo no mukisa ogw'abantu abalonde.

Buno bwali bunabbi obulabula okugibwako obwakabaka eri Abayudaaya olwobutakiriza.(Matayo 21:43) era nebuwebwa ba nagwanga.

Abalonde baali bakubeera mmunno gwe nsi.(Matayo 5:13).Bwebagana omukisa gwabwe,bafulibwa abatagasa era n'ebasulibwa wabweru.Nga kitalo.ss

Olugero olw'okubiri,lunyonyola okudibwamu okuyitibwa kumbaga ey'obugole.(Matayo 22:1-10)

Bunno bunabbi bulala eri Abayudaaya okugaana obubaka obwasembayo mukuja kwa Mukama okwasooka era n'ebyamamu.

- Abayitibwa baali baana ba bwakabaka,Abayudaaya abo Yesu beyajjira okunona.
- Obubaka bwe bwabasindikibwa okubaniriza kumbaga naye nebaemererwa n'ebagaana.
- Obubaka obulala nebusindikibwa nti ebyokulya bituuse,biwedde okutegekebwa naye abaddu be batuuma ne babagirira ekyejo n'ebabatta mubukambwe.
- Kabaka nakwatibwa obusungu,natuma eggye lye nazikiriza abassi abo n'ayokya ekibuga kyabwe.(Kino kyali ki? Bunabbi obulanga okubonabona okunene eri Abayudaaya abatakiriza era abatawulira aba Rumi bwe bazikiriza Yeruselemi.)
- Kabaka agamba abasooka okuyitibwa tebasanira.(Ebikolwa byabatume 13:46)

Omubaka natumibwa mu masanzira okuyita ab'ebweru okuja kumbaga.(Obunabbi obulala munjiri nga ekyuka okuva eri Abayudaaya okuda eri ab'amawanga)

### ***Mukukomenkereza;***

Lekka tweyongere okufubanga okunyweza okuyitibwa kwaffe n'okulondebwa.(2Petero 1:10).Lekka tulangirire n'obuvumu obukulu bw'okuyitibwa ogw'okubiri era twekakase okuba mu ku kiriza okwamazima.

### **Olina okuzalibwa ogw'okubiri.**

Tulina okukakasa okwatula kwaffe tube abazalibwa mu mazima omulundi ogw'okubiri.Teri ngeri ndala wadde ekkubo omuntu mwayinza okuyita okuyingira obwakabaka bwa Katonda.(Yokaana 3:3-5,7)

Obukakafu bw'okuzalibwa omulundi ogwokubiri:

- Ekikula kyensigo kirabikira ku kibala.(Matayo 7:16-20;12:33.Yakobo 3:12)
- Obukafu bwokuzalibwa omulundi ogw'okubiri bulabikira mu bulamu bw'ensigo ereta okuzalibwa okujja.

Ensigo eyo kye ki? Tuzalibwa tutya omulundi ogwokubiri.?

- Nensiigo y'ekigambo kya Katonda.(Lukka 8:11,Yakobo 1:18,1Petero 1:23.
- N'omwoyo,bwebulamu,omuka mu nsigo.(Yokaana 3:5,2Timosewo 3:16;Tito 3:5).

N'olwekyo,omuntu bwaba ng'azaliddwa ogw'okubiri n'eKigambo n'omwoyo,obulamu bwe bwoleka ekigambo n'ekibala eky'omwoyo.(Abagalatiya 5:22-23) Okuzalibwa ogw'okubiri kuba kufuuka Kitonde kigya nga oyoleka obulamu bw'obwa Katonda.(2 Abakolinso 5:17)

### **Ekebere wekka oba oli mukukkiriza.**

Kale katube bakakafu nga tuli mu kukkiriza.(2Abakolinso 13:5).Kukkiriza nabaki?

- Simu kukiriza okutalimu okw'abo abeyinurira mu bumanyirivu bw'eddiini.(Lukka 13:24-28) oba olw'ebyo byebakola mu linnya lya Yesu.(Lukka 7:22-23)
- Sikukkiriza okutayinza kulokola.(Yakobo 2:19),Naye okukkiriza okw'amazima okulokola.(Abefeso 2:8-9).
- Sikukkiriza kw'abaavu abasasirwa ab'ekanisa ey'oluvanyuma eye Lawodakiya.(Okubikulirwa 3:17-18,Lukka18:8),Naye okukkiriza okwanamaddala abatukuvu kwe bawebwa omulundi gumu.(Yuda 3),Okulungama okujuvu okwa Katonda.(Ebikolwa byabatume 20:20,27)

Katufube:

- Okuwakanira okukkiriza okw'amazima.(Abafiripi 1:27;1Timosewo 1:18-19;6:12;Yuda3)
- Tumalirize nga Paulo,yakuuma okukkiriza paka kunkomerero.(2Timosewo 4:7)

Enyumba ya Mukama ey'ekanisa mu Uganda yeteeseese?

Tulina amafuta mu Ttabaza? Yetegekedde awasa omugole anateera okujja?

Ffuna ekintu ekitufu!

### **Okuteekebwatekebwa ekigambo n'omwoyo.**

Bingi eby'ogerwa mubiro bino ku kujja kwe okw'mulundi ogw'okubiri.Naye,mazima nga bwekyali mu kujja okwasooka,waliwo obw'etavu bungi obwokweteekateeka ku lw'okujja kwe.

Tulina okuba abetefutefu! Yesu akima omugole eyeteeseese,ngalina amafuta mu ttabaza.Aba bokka abasangibwa nga bategeese be bagenda okuyingira,olujji ne lugalwawo.(Matayo 25:10).

Embeera nga bwe yali mu kujja okwasooka bwetyo bweri ne mu kujja ogw'okubiri.

- Embeera y'abantu n'obwetavu bw'okwetegeka bifanagana.
- Engeri y'okweteekateeka era nayo yemu.

Weteekateeka otya?

MU kujja okwasooka nga kunateera okutuuka omugole omu Yudaaya yateekebwatekebwa eddoozi ly'obunabbi erya Yokaana.Yalongosebwa era nazibwa



obujja olw'ekigambo kye.Ekigambo ekitaali kya muntu oba ekyava ew'omuntu wabula ewa Katonda,nga kyogerwa mu maanyi ag'omwoyo.

Ekanisa y'ebiro bino yetaaga mungeri y'emu addoboozi ery'omwanguka,eritegerekeka obulungi,nga kalativu,ery'obunabbi nga ekondere okuteekateeka kulw'okudda kwe.(1Abakolinso 14:8)

Eddoboozi eryo weriri kati:

- Ly'eddoboozi ly'omwoyo mu kanisa.(Okubikulirwa 3:22)
- Likooloola okutegekera awasa omugole okuva mu ggulu.(Mattayo 25:6)
- Lyamwanguka era kalativu olw'obubi n'obuteekateeka bw'abo abayitiddwa ku mbaga ey'obugole.

Lijja kutukuza n'okuza ekanisa ey'amazima nga Kristo tanadda mungeri yemu nga n'abayuddaaya mukujja okwasooka,Kigambo n'omwoyo.

### ***Etukuzibwa amaanyi g'ekigambo n'omwoyo***

Okuteekateeka omugole kulwa kabaka owomunsi ,gwali mulimu muneene ate nga gwansonga,(Esita 2:12,)Kiri kitya eri kabaka wa bakabaka.

Baibuli egamba omugole we yetegese.(OKubikulirwa 19:7,21:2)

Paulo alaga engeri gy'atekebwaterkebwa okusobola okwanjulibwa eri bba .(Abefeso 5:25-27)

- Alongoosebwa era atukuzibwa na buli bbala yadde olufunyyiro bimugiddwako.
- Atya? Olw'okunazibwa n/amazzi mu kigambo.

Ekigambo kya Katonda ky'amaanyi nnyo.(Matayo 22:29,Abarumi 1:16,1Abasesolonika 2:13,Abetulaniya 4:12-13),Ekyama ky'amaanyi gakyoo kye ki?

Kirimu omuka,gw'emwoyo gwa Katonda.(Yokaana 6:63,2Timosewo 3:16)

Ekigambo n'omwoyo byebintu ebisinga amaanyi mukutukuza mu Ggulu n'e kungsi.

- Okusooka,endabirwamu y'ekigambo.(Yakobo 1:22-25) eraga obutalibutukirivu,obuba n'omabbala.
- Obutali butukirivu obwo ne bugibwawo n'okutukuzibwa era n'okulongosebwa,
  - Amazzi g'ekigambo.(Zabuli 119:9,Yokaana 15:3,17:16-17,Abefeso 5:26)
  - Amazzi g'omwoyo.(1Petero 1:22,1Abakolinso 6:11,2Abasesolonika 2:13,1Petero 1:2)
- Buli bbala lijibwawo,
  - Amabbala g'ensi.(Yakobo 1:27)
  - Amabbala g'omubiri.(Yuda 23)
- Amazzi teganaaza kungulu kwoka wabula gatukuza ebuziba mubitundu eby'omunda.
  - Okuriza ekigambo kutukuza omutima.(Ebikolwa byatume 15:9)
  - Okugondera ekigambo kutukuza emmeme.( 1Petero 1:22)
- Kijawo n'enfunyyiro.
  - Emu kungeri yokulwanyisa enkanyanya z'omubiri kwe kukozeza omubisi gwenjuki.Guzibukula omubiri ne gujumu obucaafu negugoba enkanyanya.
  - Ekigambo kigerageranyisibwa n'omubisi gwenjuki.(Zabuli 19:10,Okubikulirwa 10:10)n'olwekyo kijawo enfunyyiro ez'omwoyo.

***Amaanyi agatukuza mu Kigambo n'omwoyo kifananyizibwa n'ekinaabirwamu eky'ekikomo.***

Amaanyi g'ekigambo n'omwoyo okutukuza abakiriza lero,kiringa mundagaano enkadde nga bakabona bwe banabanga nga tebanayingira munyumba ya Katonda.

- Tebakirizibwanga kuyingira okujako ng'omaze okunaaba mu kinabirwamu.(Okuva 30:17-21)
- Ku kinabirwamu bakabona berabanga,lwaki?Kubanga kyakolebwanga okuva mundabirwamu zebakazi.(Okuva 38:8)
- Endabirwamu zakolebwanga mu kikomo.era kano kabonero ka musango.(Ekyokulabiko mu Kyamateeka 28:23)
- Nolwekyo ekinabirwamu kyalaganga obwetavu bw'okutukuzibwa era nendowooza y'okusalirwa omusango n'okusalirwa.NAYE era kyalina ekyokudamu eri okweyonona ,amazzi agatukuza galimu.
- Amazzi gavangawa?Gali gagabiriddwa mungeri y'omwoyo okuva mu lwazzi olwakubibwa.(Okuva 17:6,Ekyamateeka 9:21,1Abakolinso 10:4)

Bakabona babikulanga batya amaanyi g'ekigambo n'omwoyo kukinabirwamu?

- Abakiriza bonna abendagaano empya bakabona .1Petero 2:5,9,Okubikulirwa 1:6)
- Nga bakabona mu Kyabalevi,nga tetunayingira mu kuberawo kwa Katonda naffe tujja eri endabirwamu y'ekigambo.Kino kibikula era kitulaga omusango eri okweyonona kwona n'amalala.
- Naye tekikoma awo ,obutali butukukirivu butukuzibwa era bugibwawo amaanyi g'amaazzi g'ekigambo.
- Era ekyama ky'amaanyi g'amazzi ago gwe Mwoyo.

***Okudizibwawo olwamaanyi g'ekigambo n'omwoyo.***

Tulabye ekanisa mu kudda kwa Kristo bw'erongosebwa n'okutukuzibwa,era nga omugole omu Yudaaya,olw'ekigambo n'omwoyo.

Ekinyusi ky'obubaka obw'oluvanyuma obuteekateeka ekanisa ng'okuddakwe tekunaba nga bulinga obwaliwo nga mu kujja okwasooka eri aba Yudaaya.

- Okwenenya okukyuka okudda ku kyonamaddala.
- Okuzibwawo,okukomyawo eky'addala.

**(a) Ne kigambo:**

Obubaka bwa Yokana bwali bugamba butya okuteekateeka Abayuddaya nga Kristo Tanajja ogw'asooka.?

- Obwangu era obukalativu by'okuyita okwenenya.(Matayo 3:1-3)

Okwenenya kyeki?

- Okukyuka okuva mu kitali kirungi.
- Okukyuka okuda ku kirungi ,eri Katonda n'eKigambo kye.

Yesu yaletera ddala obubaka bwebumu eri ekanisa ey'oluvanyuma nga tanadda ogw'okubiri.

- Mwenenye,mudeyo okudda mu ebyo bye mwawaba okubivaamu.(Okubikulirwa 3:19)

Ekanisa ey'enkomerero eye Lawodikiya yawaba okuva muki? Ekigambo!

Ejemera Kristo,ekigambo.(2Abasesolonika 2:3,2Timosewo 4:3-4,Lukka 18:8)

- Okujera ekigambo kuba kujemera Kristo,kuba Kristo Ky'ekigambo.(Yokaana 1:1,14,Okubikulirwa 19:13)
- Kristo n'ekigambo kye bali wabweru wa Kanisa ye.(Okubikulirwa 3:20)

Kino kyakabi nnyo,nga tujemera ekigambo,ekanisa ey'oluvanyuma egaana ekintu kyeniyini ekiyinda okugiteekateeka kulwokujja kw'awasa omugole.

- Yesu yaffa okwefunira ekanisa entkuvu,eteriko bbasa yadde olufuniro.
- Etukuzibwa etya? Ne kigambo .(Abafeso 5:25-27)
- Kyokka ate ekigambo ky'ekyuse okuleka.

### **(b) N'omwoyo,**

Ngeri ki endala gyetuteekebwatekebwa kulwokudda kwe?

N'omwoyo.

Mukujja okwasooka,obubaka bwa Yokaana obw'okwenenya tebwali bwa Kigambo kyokka naye mu maanyi ne mu Mwoyo.(Lukka 1:17)

- Era nga Yesu kunkomerero y'omulembe gw'abayudaaya.(Lukka 4:14-15)
- Era nga Paulo mu Kutandika kw'omulembe gwe kanisa.(1Abakolinso 2:1,4; 2Abakolinso 6:6-7,1Abasesolonika 1:5)

Naye waliwo eky'enjawulo ku mafuta ga Yokaana.Ekintu eky'enjawulo ku bubaka bwe kw'ekukyusa abantu okuva mu kuchaama okudda eri Katonda n'eri ekigambo kye.

Teyali bubezi n'amafuta era n'omwoyo,naye n'omwoyo wa Eriya.(Luka 1:17)

- Teyali Eriya mu mubiri.(Yokaana 1:19-21)
- Naye yali mu mafuta era n'omwoyo wa Eriya.
- Lwaki Yokana yajira mu mafuta n'omwoyo wa Eriya?Kubanga obubaka bwe bwali bufanana n'obwe Eriya.Butya? Mu kissera nga ebyoto bya Mukama bisuliddwa era n'abantu nga ebalese ekigambo,
- Eriya yakyusa emitima gyabwe okugiza mu bye bali balese.(1Basekabaka 18:37)
- Eriya yadabiriza era nazawo ebyoto ebyali bimenyedwa ebya Mukama.(1Basekabaka 18:30).

Waliwo n'ensonga endala .Okujuliza kw'omwoyo wa Eriya mu.Malaki 4:5-6.Kino kigamba nti Eriya alijja ng'olunaku olukulu olw'entiisa olwa Mukama era aliza emitima gyabakitabwe eri abaana ne mitima gy'abaana eri bakitabwe.

- Malayika agamba Yokaana yatukiriza ekitundu ekisooka mu kujja okwasooka nga akyusa emitima gyabakitabwe eri abaana .(Lukka 1:17)
- Yakyusa abaali mu makubo amakadde eri omullemba gwa Masiya mu kujja kwa Kristo.

Naye Yokaana ye yatukiriza ekitundu ky'obunabbi ekyasooka,naye ekitundu ekyokubiri kigya kutukirizibwa kulunaku lwa Mukama olukulu olwentiisa.( Malaki 4:5) nga okuda kwa Mukama tekunatuka.

- Omwoyo wa Eriya agya kuba mukukola nate,ebintu byenyini bye yakolanga mu nakku za Eriya ne Yokana nga akyusa emitima era nga azabugya ebyo ebyali bisuliddwa.
- Agya kukyusa emitima gy'abaana egyenkomerero okudda eri bakitabwe nga bwegwali Mukusooka.

Era kino kyekimu Yesu kyeyagamba ng'abuuza lwaki abasomesa beddiini bagamba nti Eriya yali wakusooka kugya nga Yesu tanakomawo,Nagamba mu Matayo 17:10-13.

- Eriya yali yagya dda nga ajuliza Yokaana omubatiza.
- Naye era Eriya yandize naza bugya ebintu byonna.

Nga omwoyo wa Eriya bweyali ku Yokaana okuteekateeka Abayudaaya (omugole) mukujja kwe okwasooka ,mungeri yemu omwoyo yomu agya kukomawo nga Mukama waffe tanaba kudda omulundi ogw'okubiri.

- Okukyusa emitima gy'abaana eri bakitabwe,
- Okuza obugya ebintu byonna,Matayo 17:11,nga bwe byali mukusooka.

Laba,kitufu,yadde nga ebintu byonna biziddwa bugya,naye sibona abantu nti baziddwa bugya.Nga bwetwalabye mukusooka nti,aabantu abasinga obungi mukanisa baligeema nga bagana okuwulira amazima.Naye abo abali kyukira amazima n'ebaganyweza baliraba ekyasubizibwa.Amiina!!

## **OKUMALIRIZA**

Tulabye obukulu bw'embeera ye Kanisa ey'enkomerero.

- Nga mu kujja okw'olubereberye,kunkomerero y'omulembe gwabwe,Abayudaaya bagana ekigambo,bali bazibe era bazibwa amaaso,basalibwako era basulibwa ebweru.Bagibwa mu bwakabaka bwabwe era ne bayingira ekibonobono ekinene.
- Era n'emukujja kwe omulundi ogw'okubiri,mu nkomerero y'omulembe,ekanisa erigaana ekigambo,eriziba amaaso,era erizibwa amaaso erisesemebwa okuva mu kamwa ka Mukama era eyingire mu kubonabona okunene n'abamawanga abatakkiriza.

## **Okukubiriza okusembayo**

Kiki kyetulina okukola eri okulabulwa okwo?

Tudeyo eri ekigambo!! Mu buli kintu .Ekigambo ekisooka kiri nti,"Baibuli egamba etya?" gerageranya buli kintu ku kigambo!

- Mubuli kikolebwa mu kanisa.
- Mubuli kyokola ng'omuntu,oba maka,oba mirimu,

Munaku zino ez'oluvanyuma,eddoboozi ly'omwoyo liyita,eddoboozi erisembeyo ery'omwoyo eri ekanisa nga litumiddwa okuteekateeka omugole kulw'awasa omugole ali kumpi okujja.(Okubikulirwa 3:22)

Eddoboozi ligamba ki? Mudeyo mu kigambo,eri ekituufu,ekigambo nga bwe kyali okuva olubereberye.

Erinnya ly'awasa omugole ky'ekigambo kya Katonda.(Okubikurirwa 19:13), Akima omugole ow'ekigambo.

- Oyo mundowooza ye alina omukwano eri ekigambo.(Yokaana 14:15,1 Yokaana 5:3,2Yokaana 6)
- Oyo ayogera ekigambo kye kyokka.
- Oyo atakyagala bwagazi, wadde okwogera obwozezi naye akyoleka era akitambuliramu.(2Abakolinso 3:2-3,2Petero 3:1)

Awasa omugole aliwulira atya eri omugole eyeteeseese mu ngeri eno?

- Kabaka alisanyukira nnyo obulungi bwo.(Zabuli 45:11)
- Otukiridde,muganzi wange,era toline bbala.(Oluyimba 4:7)

Simugole yekka yeyetegekera anawasa omugole.Naye amwetegekera.

- Ekifo ekyategekera abo abeteseseese.(Matayo 25:34;Yokaana 14:2-3;Abebulaniya 11:16)

### **Katweyongere mu kutukirizibwa.**

N'olwekyo,

- Katusembere n'omutima ogw'amazima,nga tulindirira olunaku lwe tuli laba amaaso ge.(Abebulaniya 10:22,Okubikurirwa 22:4)
- Butasuubira ebyo,tufubenga okusangibwa mu mirembe nga tetulina bbale newakubadde omusango mu maaso ge.(2Petero 3:14)
- Era n'obulungi bwa Mukama Katonda waffe bebeerenga kuffe.(Zabuli 90:17)

Kale era;

- Katusukirire mu kukirizibwa.(Abebulaniya 6:1)
- Tweyongere okugoberera,mu kutuukirizibwa,tulyoke tukikwate ekyo kye yatukwatire Kristo Yesu.(Abafilipi 3:12)
- Kale tube batukirivu nga kitaffe ow'omuggulu bwali omutukirivu.(Matayo 5:48)

Okutuukirizibwa kuno kufanana kutya?

- Okutuukirira mu butukuvu.(2 Abakolinso 7:1)
- Okutuukirira mu kukkiriza.(1Abassesolonika 3:10,Yakobo 2:22)
- Okutuukirira mu kwagala.(1Yokaana 2:5,4:12,17-18)

Naye bino byonna biyundu tundu ebikola okutuukirira.

Sikwe kutuukirira kwenyini.Okutuukirira okutuufu kyeki?Yesu!

- Paulo yafubanga okwanjula buli muntu nga atuukiridde mu Yesu.(Abakolosayi 1:28)
- Yayogera ku biro ekanisa lwerifuuka omuntu atuukiridde.  
„Annyonyola atya omuntu atuukiridde? Omuntu apimiddwa sikukirala wabula ku kigera eky'okutuukirira kwa Kristo.(Abefeso 4:13)
- N'olwekyo okuba n'okwagala okutuukiridde,okyokulabirako,kwe kuba nga ye.(1Yokaana 4:17)
- Mungeri endala,kwe kuba abatukirivu nga Kitaffe ow'omuggulu.(Matayo 5:48)

Buno bwe buKristayo obw' amazima, obulokozi obujuvu. Kino Yesu kyeyafirira, Omugole aliba nga ye.

Okutuukirira okwo kufunibwa kutya?

- Okuyita mu kugezebwa okutali kumu. (Yakobo 1:2-4)
- Okuyita mu kusaba,
  - Okusabira abakkiriza bannaffe. (Abakolinso 4:12)
  - Okwa kabona waffe asinga obukulu. (Yokaana 17:23)
- Okuyita mu Mwoyo omutukuvu,
  - Omwoyo gw'obutukuvu. (Abarumi 1:4)
  - Omwoyo gw'okukkiriza. (2Abakolinso 4:13)
  - Omwoyo ow'okwagala. (2Timosewo 1:7)

Tuli ku njegoyego y'omulembe gw'ekanisa. Wewawo ekanisa eja kujenda mu kujeema, naye ekanisa ey'amazima eja kutuuka mu kigera ky'okutuukirira kwa Kristo mukutukirira.

***Okw'olesebwa eri Wm Branham okwe mirundi ebiri***

- Kiriba kituugwanidde ffena (obutwatwalisibwa okusinga olutimbe lwo lunaku mubiro ebyokuwakanya biriba byeyogera)
- Sigala ku mulamwa (Okwolesebwa kuno okwenaku ezoluvanyuma eri anawasa omugole wamu nebimu ebiriba biwabya omulembe okugenda mukalisa)